Heedimasita ne bbaasa bakwatiddwa lwa kugaana bayizi kukola bibuuzo

VIVIEN NAKITENDE

Moses Ariho, amyuka RCC e Lubaga ng'ayogerako eri abayizi. Abatudde (ku kkono), Florence Kyoshabire akulira ebyenjigiriza e Lubaga ng'akunya Mugaya Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Nannyonga

Bya VIVIEN NAKITENDE

HEEDIMASITA w'essomero lya Gavumenti erya Kitebi P/S, Fred Mugaya akwatiddwa ne banne babiri lwa kugaana bayizi abatannamalayo fiizi okukola ebibuuzo ebibatwala mu bibiina ebiddako.

Yakwatiddwa ne bbaasa Asaph Matovu n'akulira ebyensoma, Sarah Nanyonga. Bakwatiddwa RCC w'e Lubaga, Moses Ariho ne bakwasibwa poliisi y'e Mutundwe. RCC yatemezeddwaako nti abayizi abasoba mu 30 ab'ebibiina eby'enjawulo bagaaniddwa okukola ebigezo kuba tebannamalayo fiizi ate ng'essomero lya UPE. RCC olwatuuse ku ssomero, yakunyizza Mugaya ku nsonga egaanisa abayizi ba UPE okukola ebigezo ebibayisa.

Mugaya yeewozezzaako nti, wadde lino ssomero lya Gavumenti, olukiiko lw'abazadde lwasalawo abazadde babeeko ssente ze basasulayo (96,000/-) basobole okufunayo abasomesa abalala kuba Gavumenti yabawa batono.

Abasomesa abamu mu kubakunya baasoose kutegeeza nti, ebibiina bya wansi okuli; P.1, P.2 ne P.3 byawummudde oluvannyuma lw'okumalayo ebigezo, naye nga nabo waaliwo abaagaaniddwa okukola ebibuuzo. Bano nabo Ariho alagidde bayitibwe bakole ebigezo, n'ategeeza nti ebikolwa bwe biti bye biviirako okuvumaganya Gavumenti.

RDC yakutte Mugaya, Nanyonga ne Matovu, ku poliisi e Mutundwe okubaako bye bannyonyola oluvannyuma ne baggalirwa ku poliisi e Nateete.